

Empandiika y'Oluganda Entongole by Livingstone Walusimbi

Revised February 2015

Ennyanjula
Ebisooka

- 1.1 Ennukuta empeerezi oba enjatuza (vowel)
 - 1.1.1 Enjatuza etewangaalwako
 - 1.1.2 Enjatuza ezoogerwa ne ziwangaalwako
 - 1.1.3 Ennukuta enjatuza ewangaalwako ku ntandikwa
 - 1.1.4 Ekigambo ekimu bwe kigattibwa n'ekirala
 - 1.1.5 Ennukuta **m** ne **n**
 - 1.1.6 **W**ne**Y**
 - 1.1.7 Ebikolo by'ekiolwa ebikomerezaayo empeerezi....
 - 1.1.8 Obuwakatirwa **we yo ko** ne **mu**
 - 1.1.9 Nnakasigirwa ez'obwanannyini
 - 1.1.10 Ebikolo ebirina ennyingo eziwangala
- 1.2 Ennukuta ensirifu (consonants)
- 1.3 Okwawula ebigambo

Ennyanjula

Olulimi Oluganda lumaze emyaka egisukka mu asatu okuva mu 1966 nga terusomesebwa mu masomero ago asookerwako ge tuyita aga pulayimale. Kino kyajjawo olw'okubanga gavumenti ezizze zibaawo bukya enfuga eya fedulo eggibwawo oluvannyuma lw'enkyukakyuka ezajjawo mu 1967, ebbanga eryo Lyonna essira libadde liteekebwa ku Lungereza okuviira ddala omwana lw'ayingira mu ssomero okutuusa lw'amalako pulayimale.

Olwokubanga Oluganda lubadde terusomesebwa mu pulayimale ne mu matendekero g'abasomesa aga pulayimale nayo lubadde terukyaliyo. Kino kiviiriddeko abasomesa ba pulayimale abatendekeddwa okuva mu myaka gy'enkaaga obutamanya Luganda era n'empanziika yaalwo entongole. Bwe kityo n'abaana abayise mu masomero ago nga kati bantu bakulu nabo tebamanyi mpandiika yaalwo okuggyako abatono ennyo abafunye omukisa okusoma mu sekendule Oluganda gye lusomesebwa era ne balusomako.

Naye nno olwokubanga abaana babadde Oluganda balutandikira waggulu eyo ng'ate tebafuna biseera bimala nga balusoma mu kibiina, era tebalukaza yadde empanziika yaalwo. Eky'omukisa kati, Gavumenti yamala okuyisa ekirangiriro ng'ennimi ennansi bwe zijja okutandika okusomesebwa okutandika n'omwaka ogwa 2000 okuviira ddala wansi mu kibiina ekisooka era nga n'ebykuyiga byonna bijja kusomesebwanga mu nnimi ezo okutuusa mu kibiina ekyokuna eky'a pulayimale. N'olwensonga eyo ekitabo kino kye kivudde kiwandiikibwa olw'okuyamba abasomesa n'abayizi ab'amadaala gonna okuyiga empanziika y'Oluganda entuufu. Muteereddwamu n'ebykukola bisobole okuyamba abayizi okwejjukanyanga. Abasomesa basabibwa obuteesiba nnyo ku bya kukola ebyo byokka ebiri mu kitabo kino, naye bafubenga

okuwa abayizi eby'okukola ebirala bingi bisobole okuyamba abayizi okukaza empandiika eyo. Empandiika y'Oluganda bw'eriddibwamu okulongoosebwa era n'ekakasibwa ekitabo kino kiriddibwamu ne kiterezebwa okusinziira ku nkyukakyuka eziriba zizzeewo.

Neebaza nnyo Mukyala wange Nightingale Erunensi Nampeera eyassa ekitabo kino ku kompyuta era n'akitegeka bw'ati.

Empandiika y'Oluganda Entongole

1.0. Ebisooka

Mu mwezi gwa Mugulansigo (March) 1947 Gavumenti eya wakati n'eya Buganda zakkiriziganya ne zissaawo olukiiko olwatereeza empandiika y'Oluganda. Olukiiko olwo lwalimu ababaka abaakiikirira Ekitongole ky'Ebyenjigiriza, Olukiiko Olukulu olw'e Mmengo, ababaka b'enzikiriza eya C.M.S., W.F.M.. n'Abasiraamu okwo gattako abaamawulire.

Dr, A.N. Tucker munnannimi (omukugu mu byennimi) eyava mu London School of Oriental and African Studies ye yakulembera mu kuteesa okwo era ye yali omuwi w'amagezi.

Ebyateesebwa era ne bisembewwa olukiiko olwo byakakasibwa Gavumenti eya wakati n'eya Buganda. Eyo ye yali entadikwa y'empandiika eno eyitibwa **Empandiika y'Oluganda Entongole**, era okuva olwo Gavumenti ya Uganda yalagira empandiika eyo y'eba egobererwa mu kuwandiika ebiwandiiko byonna ebikwata ku mirimu gyayo era n'ebitabo byonna ebisomebwa ebikubibwa Gavumenti mu kyapa oba ebifulumizibwa olw'okukozesa mu masomero ne mu byenjigiriza wonna.

1.1. Ennukuta empeerezi oba enjatuza (vowels)

Ennukuta ezo ze zino:-

a e i o u

Ennukuta ezo zonna ziyinza okuwandiikibwa ebbiri oba eza nnabansasaana, kasita ziba nga ziwangaalwako mu kwogera.

1.1.1 Enjatuza etewangaalwako ewandiikibwa emu yokka nga mu bigambo bino:

lega - okunywa ku mwenge okulaba obanga gukuze.

fuka - okuyiwa ekintu eky'amazzi oba empeke oba olusennyente ku ttaka oba mu kintu kyonna.

siba - okunyweza ekintu oba ebintu awamu obulungi.

sima - okuggya emmere ey'omu ttaka oba eddagala eryemirandira oba ekintu ekirala *kyonna* mu ttaka, oba okuggya ettaka, oba amayinja we biri ne wajja ekinnya.

mala - okulekera awo okukola ekintu

sera - ekikolwa eky'okuzinira mu nnimiro ekiro, okusamba ebitooke n'okulya ennyama y'abafu ekirowoozebwa nti kikolebwa abantu ekiro.

kola - okugira

Bw'osoma n'oyatula ebigambo ebyo tolina w'owangaala. Bwe kityo kyebya biwandiikibwa n'empeerezi emu.

1.1.2 Enjatuza ezoogerwa ne ziwangaalwako ziwandiikibwa nga za nnabansasaana nga mu bigambo bino:-

leega - okwanjuluza ekintu n'okisika n'amaanyi ne kigaziwa.

fuuka - okukyuka mu bbala oba mu ndowooza.

siiba - obutalya kyamisaana oba okubeera mu kifo mu kiseera ekyokulya eky'emisana.

siima - okusanyukira ekiweereddwa oba ekyogeddwa

maala - okusiiga obusa oba ekintu ekirala ku ttaka mu kisenge.

seera - okutunda ekintu omuwendo ogusukkiride

koola – okukuula omuddo

Weetegereze

Kasita ennukata ensirifu (consonants) ezisooka oba eziddirira

empeerezi ziba nga tezeegasse bbiri ate nga za njawulo, eddoboozi bwe liba eggwanvu enjatuza ziwandikibwa nga za nnabansasaana.

Ebyokulabirako:-

ettaala ettaawo emmeeza eggaali essaala eddiro eddaaia essaali ezzaaliro eppaapaali

Ebigambo ebirala ebiwangaala:-

amaaso	ekiseera	leeta	okukiika
okukoota	okutuula	bbasi	okuseera
okuyuyua	okuyunga	laama	ekisiibo
okudaaga	okuboola	okukeeta	ebbaasa
okusaawa	okuwuuma	okuyeyya	okuteeba
okusiita	loota	okuniina	fuula
okunaanya	okukaaba	wandiika.	

Ekyokukola 1

- a) Ebigambo bino wammanga byawule, owandiike ebirimu ennukata enjatuza nnabansasaana byokka n'eb'y'emu emu byokka bw'oti:-
- | | |
|----------|------|
| kussaawa | bala |
| kuziika | baka |

Ebigambo:

maka, ttayi, bbasi, bbati, ttawulo, boga, bola, bogera, bebase, afudde, yazukira, essawa, bawesa, bawule, batefu.

- b) Wandiiika ekitundu kino mu mpandiika entuufu nga buli aweetaaga empeerezi eza nnabansasaana ozissaawo:

Nasoka kutunulira mama oluvannyuma arnaso ne ngazza ku tata. Nasalirwanyo okulaba nga nnyabo akaba ate nga ne ssebo awukera! Nekubagiza nnyo nga mmaze okutegezebwa nti ne baba yali yefudde bereje ku kyalo mbu yatandikiriza mpola okusawula bana

ba bandi emiggo n'okubataganya buli lwe yabasanganga. Ekikolwa ey'okufirwa abana ababiri kyayanamiriza era kiwawaza amatu g'abantu. Naye kizibwe wange olw'okuba omugumikiriza era omwekumi ennyo mu by'aba atekateka okukola abantu abasinga tebalaba bunyikavu bwe wadde obweralirikirivu.

1.1.3 Ennukuta enjatuza ewangaalwako mu kwogera bw'esooka oba okukomererayo ku kigambo tewandiikibwa mirundi ebiri.

Ebyokulabirako:-

awo	a	teyongerwako	ginnaayo
ate	a	"	"

Naye ebigambo bino byo tebifugibwa tteeka eryo:-

yee	aaa
iii	ooo

1.1.4 Ekigambo ekimu bwe kigattibwa n'ekirala ennukuta emu ey'ekigambo ekisooka n'evaawo mu kifo kyakyo ne wateekebwawo akabonero **akasukkize** (apostrophe) kyokka eddoboosi ne lisigala nga ggwanvu, ennukuta empeerezi esigalawo ewandiikibwa emu yokka nga mu bigambo bino:-

Omwami ne omukyala kiwandiikibwa **omwami n'omukyala**.

ne ekyo	"	n'ekyo
ne eyo	"	n'eyo

Weetegereze.

Ennukuta enjatuza esemba ku kigambo ekisooka bulijjo y'evaawo mu kifo kyayo ne wateekebwawo akabonero akasukkize.

Ebyokulabirako:

olwa ekyo kiwandiikibwa **olw'ekyo**

a evuddewo n'esikirwa akabonero akasukkize.

ne ebyo kiwandiikibwa **n'ebyo**

bwe asooka **bw'asooka**

lwe alidda **lw'alidda**

ne amaaso **n'amaaso**

Akabonero Akasukkize (Apostrophe) (')

Akabonero ako kakozesebwa okulaga nti enjatuza ekomerera ku kigambo eggiddwawo olw'okuliraana enjatuza endala csooka ku kigambo ekikiri mu maaso. Wabula obugambo **mu** ne **ku** bwe bukulembera ebigambo ebikozesebwa mu kulaga ebintu, ng'ebigambo ebyo bisookako njatuza, olwo akabonero akasukkize tekakozesebwa era buli kigambo kiwandiikibwa kyokka.

Ebyokulabirako:-

ku olwo ku ebyo

mu ezo

mu eyo mu ekyo

Ekyokukola 2

Wandiika ekitundu kino wammanga mu mpandiika entuufu.

Awo Kalali ne agenda alagulwa, bwe yalagulwa, lubale ne amugamba addire emiggo emiwanvu ne endege. Ne amugamba nti bwe omala okukola bwe otyo ne okung'anya abana abato oba obulenzi ne obawa egyo era ne obasiba ne essanja mu bulago bwabwe.

Bwe olikola bwe otyo, Mmande ne Kajubi olibawangula. Awo Kalali ne, agenda ne akola bwe atyo ne alyoka agenda okulwanyisa Mmande. Bwe yamuwangula ne alumba Kajubi ne alwana naye ne amuwangula.

1.1.5 Ennukuta ‘m’ ne ‘n’

Ennukuta ezo ziyitibwa ensirifu ez’omunnyindo (ezekinnyindwa). Ennukuta ezo bwe ziba zigattiddwa ku nsirifu endala, ennukuta empeerezi ezibeera emabega waazo teziwandiikibwa nnabansasaana eddoboosi ne bwe liba nga liwanvuyizibwa mu njogera.

Ebyokulabirako:-

- mb twogera nti **ekigambo** naye tuwandiika **ekigambo** ne ‘a’ emu kubanga ‘m’ yeegasse ne ‘b’.
- nd twogera nti okulunda tuwandiika okulunda. Tuwandiise ‘u’ emu kubanga n yeegasse ne d.

-nd	okulinda	-ng	kubanga
-nt	okwetantala	-nj	okujjanjaba
-nk	okwekatankira	-ns	amasansa
-nz	omulenzi	-nv	amenvu
-nf	effunfugu	-nc	okuconcona

Lowooza ku bigambo ebifaanana bwe bityo weemanyiize okubiwandiika.

1.1.6. W ne T ennukuta ezo bwe zeegattwako ennukuta endala ensirifu emabega waazo, enjatuza ezibeera mu maaso gaazo teziwandiikibwa nga za nnabansasaana.

Ennyingo ez’engeri eyo ze zino:-

- bw- okubwatuka ‘a’ tewandiikibwa mirundi ebiri newankubadde

ng’eddoboosi liwanvuwa kubanga yeegasse ku ‘w’

tw	okutwaka	my	okumyuka
pw	mpwangali	nyw	okunywera
cw	okacwano	lw	okulwana
kw	okwaka	mw	omwaka
gw	obugwagwa	nnw	ennwana
zw	obuzwina	rw	okwerwaza
dd	eddwaliro	ly	okulyebula
sw	okuswala	ry	Okweryanya
by	ebyalo	py	kapyata
gy	okugyaluza (enkoko)	dy	okudyeka
		ky	omukyala
		ty	okutyaba
ky	okukyala		

1.1.7 Ebikolo by’Ebikolwa Ebikomerezaayo Empeerezi.

Waliwo ebikolwa ebimu ebikomerezaayo a. Ebikolwa bino okusinga bya nnyingo emu. Ebigambo bino bwe bigattibwako akawakatirwa, ng’ate akawakatirwa ako katandika na mpeerezi, tufuna empeerezi eza nnabansasaana.

Ebyokulabirako:

beera	kiva mu	ba- era	nga:	mbeera wano
seera	kiva mu	sa- era	nga:	nseera ku lubengo
weera	kiva mu	wa- era	nga:	muweere ku
liira	kiva mu	li- ira	nga:	liira wano
fiira	kiva mu	fu- ira	nga:	yafiira eyo
tiisa	kiva mu	ti- isa	nga:	tontiisa
teera	kiva mu	ta- era	nga:	teera Kato
ggweesa	kiva mu	ggwa-esa	nga:	okuggweesa

Weetegerenze

Ekigambo **tiisa** kiva mu kikulwa **tya**. Ekikolo ky'ekigambo ekyo ye **ti**. N'olwekyo bw'ogattako akawakatirwa **-isa**. Akategeeza okukozesa omunti ekintu, ofunamu ekigambo ekyo tiisa (okutiisa). Era bw'ogattako akawakatirwa akalala nga **ibwa** ofunamu **tiibwa**.

Ebyokulabirako:

okutiibwa
ekitiibwa
omutiibwa
oweekitiibwa

N'ekigambo liira kiva mu kikulwa **lya**. Ekikolo ky'ekigambo ekyo ye **li**. Ekikolo ekyo bw'okigattako akawakatirwa **-ira** ofunamu ekigambo **liira** (okuliira). Era ne bw'ogattako akawakatirwa akalala - ibwa ofuna ekigambo (**okuliibwa**).

Mu ngeri y'emu ekigambo **fiira** kiva mu kigambo **fa** (okufa). Ekikolo ky'ekigambo ekyo fa ye **fu**. Bw'oyunga akawakatirwa **ira** ku kikolo ekyo **fu, u** eya **fu** efuuka **w** mu ngeri eno:

fu + ira -► fwira

Bulijjo w oba y bw'eddirira oba bwe yeegatta n'ensirifu endala, empeerezi eddirira w oba y ewangaalwako. Naye w bw'eddirira **f**, teyatulwa. N'olwekyo ekigambo **fwira** kyatulwa **fiira**.

1.1.8 Obuwakatirwa we, yo, ko ne mu

Obuwakatirwa obwo bwe buyungibwa ku bikolwa eby'ennyingo emu nabwo oluusi buwanvuya empeerezi y'ebikolwa ebyo.

baawo kiva mu ba-wo
baako kiva mu ba-ko

waako	kiva	mu	wa-ko
weeko	kiva	mu	w-eko (muweeko)
faako	kiva	mu	fa-ko (nfaako)
vaawo	kiva	mu	va-wo
vaayo	kiva	mu	va-yo
vaamu	kiva	mu	va-mu
vaako	kiva	mu	va-ko
zzaayo	kiva	mu	zza-yo
taako	kiva	mu	ta-ko (Embuzi taako emu)

1.1.9 Nnakasigirwa ez'Obwanannyini

Nnakasigirwa ez'obwanannyini nazo bwe zigattibwa ku mannya oluusi empeerezi y'erinnya ewangaala.

Ebyokulabirako:

kitaawo kiva mu kita-wo
kojjaawe kiva mu kojja-we
ssengaawo kiva mu ssenga-wo

1.1.10 Ebikolo Ebirina Ennyingo Eziwangaala

Waliwo ebigambo ng'ebikolo byabyo birina ennyingo . eziwangaalwako mu butonde bwabyo. Ennyingo ezo ziwandikibwa na mpeerezi za nnabansasaana.

Ebyokulabirako:

olu-kiiko	oku-loota
oku-biika	oku-loopa
oku-seera	oku-kuuma

Naye ennyingo ggw- ne ggy- zo tezkwatibwa tteeka lino. Buli g ebbiri lwe zeegatta ne 'w' oba 'y' ennukuta enjatuza ebeera mu maaso ewandikibwa emirundi ebiri kasita eddoozoozi liba nga liwanvuwa.

Ebyokulabirako: -

ggw- eggweesezo
eggwaala
eggwoolezo
eggwaatiro

ggy- Muggyeeeko ensimbi
Ente giggyeemu kaakati

Kale naawe noonyaayo ebigambo ebirala eby'engeri eyo obiwandiike mu kitabo kyo.

Weetegerere - 'ny' eri ennakuta emu n'olwekyo yo esobola okuba n'ennakuta empeerezi ebbiri mu maaso oba emabega waaoy.

Ebyokulabirako:-

ennyanyaagize	okunyookeza
ekisaanyi	okunyiiiga
emmunyeenye	okunyuunyunta
ennyanya	okunyanyaagiza
okunyiiira	okunyiiibanyiba
okunyooma	okunyeenya

Ekyokukola 3

Wandiika ebitundu bino wammanga osseemu oba oggyemu ennakuta ezimu we kyetaagisa era n'obubonero we bwetaagibwa.

- Ensua bw'eba ebuse nnyo neebito bijja.
- Bwaba atuka ati awaka buli muntu owaawaka amulengererako eri naamugamba nti "Buswaagu."
- Ekigwo kyennyini lole kye yagwa omuntu bwaba yaakikube munne kye bagamba nti neenkona enywedde, anti amagulu ga lole gali galabye waggulu nga macupa ga bbija

gabunye awo wonna ebbali.

- Ensimbi zeennyumba zze bali bbaanja Kate zali za myeezi ebiri. John obutaswaala mu masso ga Kate yakwaata ssawa ye eyooku mukono gye yagula - nagenda agisingira omuwozi wensiribi owekyama naamuwola Shs. 100/-.

1.2 Ennakuta Ensirifu (Consonants)

Ennakuta ensirifu ze zino:-

w	y	c	ŋ	h
b	p	v	f	m
d	t	l	r	n
z	s	j	g	k

Weetegerere

- ny eyatulwa nga nnakuta emu newankubadde ng'ewandiikibwa n'ennakuta bbiri.

- (a) Ennakuta zino ensirifu ziyinza okuwandiikibwa nga za nnabansasaana kasita eddoboozi liba nga lya maanyi oba nga liwangaalwako.

Ebyokulabirako:

ebbango	jajja	eggaali
eccupa	emmale	eijenje
eddagala	Ssaabasajja	ekkooti
effumu	Katikkiro	emmale
Nnaabagereka	eggumba	okussa
okutta	okubba	omusajja
okudda	eddalu	ebbali
okukkiriza	ennanga	enjjoma
ennakuta	eppaapaali	essaawa

jjukira	ettaala	evviivi
bulijjo	amazzi	okuggyako
zonna	emmere	eddibu
eddo	ettama	eddalu

Ennukuta **l, r, y, w** zo teziwandiikibwa kinnababirye kubanga teziwangaalwako.

- (b) Jjukira bulijjo okuwandiika ennukuta **r** oluvannyuma lw'emperezi 'e' ne i ate l oluvannyuma lwa **a o, ne u.**

Ebyokulabirako

'r'	ennimiro	omuliro	ekisero
	Katikkiro	okuseera	ekiseera
	erinnya erinnyo	enseera eriiso	essomero eggwaatiro
'l'	balamu	lima	laba
	mulenzi muwala	mulungi leeta	mululu linnyo
	liiso	kitwale	lumba

Ekyokukola 4

Wandiika ebigambo bino osseemu oba oggyemu ennukuta ebbiri ng'ebigambo bwe bivuga. Kola enkalala bbiri, olw'ebigambo ebirimu ensirifu eza nnabansasaana n'ebitaliimu nnukuta ezo;

amata, amakka erigwa. emese, omutwe, enanga, embwa, eddaala, edagala, omudu, emundu, esasi, eti edene.esogasoga, etumbwe, etu, enaanansi, amatooke, etooke, eddebe, edwaiiro, edibu, edenge, evuuvumira, evu evuunike, eppaapaali, egwoolezo, egweesezo.eggwala, egwata.etogero, etabo, ekoonezi ebanja.

1.3 Okwawula Ebigambo

Obugambo bwonna obutono obukulemberwa amannya oba n'nakongezalinnya (adjectives) oba ekikolwa (verb) buwandiikibwa bwokka. Naye ku bugambo obusinga obungi akabonero akasukkize (apostrophe) kabugatta n'ebigambo.

Ebyokulabirako

- (a) Obugambo obuyunzi oba entababigambo (conjunctions)

ne - Yosiya **ne** Luusi
Yamutema **na** mbazzi
Baamukubya **na** mayinja

Naye akagambo kano bwe kaba kaddiriddwa ekigambo ekisooka n'emperezi, olwo akabonero akasukkize ne kalyoka kakozesebwa nga wano:-

omulenzi ne omuwala kiwandiikibwa omulenzi n'omuwala
omwami ne omukyala kiwandiikibwa omwami

n'omukyala

ne akatono	“	n'akatono
entebe ne emmeeza	“	entebe n'emmeeza
emmere ne enva	“	emmere n'enva
enkumbi ne omuyini	“	enkumbi n'omuyini
ne akamu	“	n'akamu
ennyindo ne amaaso	“	ennyindo n'amaaso

Kyokka ebigambo ebiva mu kuyunga akagambo entababigambo (conjunction) ku nnakasigirwa (pronoun), biwandikibwa ng'ekigambo ekimu, tebyawulwa, era tebiyungwa n'akasukkize.

nange nazo

naawe	nabo
naffe	nakyo
naye	nabyo

Ate n'ebigambo ebiyungeyunge nga bino wammanga nabyo tebyawulwa mu kuwandiika:-

naddala	nagunogujwa
nagunoguliko	nazzikuno oba nakuno
nandiki oba	sinakindi
nantiki	sikulwa
obooyawo	

(b) **ne**

Akagambo kano bw'e kazozezebwa mu kunyumya kawandiikibwa kokka nga wano:

ne ndaba	ne mu tuyitako
ne tugenda	ne mwegayirira
ne nkola	ne mmusaasira
ne mmutumira	bwe namulaba ne mmugamba

Naye ebigambo ebiba mu maaso g'akagambo ako bwe biba bisookako n'ennukuta empeerezi, akagambo ako kagattibwa ku bigambo ebyo n'akabonero akasukkize nga mu bigambo bino wansi:-

ne olaba	kiwandiikibwa	n'olaba
ne alaba		n'alaba
ne otogenda		n'otogenda
ne okola		n'okola
ne ovuma		n'ovuma

(c) **Nga**

Akagambo ako kawandiikibwa kokka okuggyako nga kagatiddwa ku kigambo ekisooka n'empeerezi. Mu ngeri eyo akabonero akasukkize ke kazozezebwa okukayunga ku kigambo ekyo ekikabeera mu maaso.

Ekyokulabirako:-

Kola nga nze bwe nkola	Kola nga bo
Nga teyampaako!	Nga kitalo!
Nga saamulaba!	Wandiika nga bw'oyagala
Ndikulaba nga nkomyewo	Yeeyisa nga bw'alaba

Bwe kaba kayungiddwa ku kigambo n'akabonero akasukkize nga wano:-

nga omulwadde kiwandiikibwa	ng' omulwadde
nga omusajja	ng' omusajja
nga alaba	ng' alaba
nga aseka	ng' aseka

d) **Obugambo obulaga ebifo (locatives)**

Obugambo obwo bwe buno: **e, wa, ku ne mu**

Obugambo obwo nabwo buwandiikibwa bwokka okuggyako nga bugaddwa ku bigambo ebirala mu maaso gaabyo ebiba bitandika n'ennukuta empeerezi.

Ebyokulabirako:

e Kamwokya	mu kyoto
e Bulemeezi	mu ssanduuko
e Kampala	mu ebyo
e Katwe	mu abo
e Kangulumira	ku lusozi
wa Kiwanuka	ku olwo
ewa Kitaawe	ku eyo
ewa Ggulu	ku mmeeza

e) Tukozeza akabonero akasukkize

Akagambo **ewa** ko kagattibwa ku kigambo ekikaddirira nga tukozesa akabonero akasukkize bwe kiba nga kitandika n'empeerezi nga wano:

ewa omuyigiriza kiwandiikibwa **ew'**omuyigiriza
ewa omusogozi “ **ew'**omusogozi

Ebigambo bino byo tebifugibwa tteeka eryo. Biwandiikibwa ng'ebigambo ebyemalirira byokka. Tebiyawulwayawulwamu:

kungulu	emabega	emmanga	
kubbali	emugga	engulu	ewaago
kuli	ebweru	ewaakyo	ewaabwe
kuno	ennyuma	ewuwo	ewange
wabbali	eri	ewaaboowe	ewaffe
wamberi	emberi	ewannyo	
waggulu	eno	ewammwe	ewaabakyo

f) Obugambo obulaga obwannannyini

Obugambo obwo bwe buno era buwandiikibwa bwokka; **bya, kya, lya, ga, owa, wa, ba, lwa** n'obulala.

Ebyokulabirako

Ebitabo **bya** muganda we.
 Abaana abo **ba** Nkooyooyo.
 Olugoye olwo **lwa** Musoke.
 Eddoboosi eryo **lya** musajja.
 Kya mazima.
 Omuntu oyo wa mazima.
 Ekyo **kya** bulimba.

g) Okukozesa akabonero akasukkize

Akagambo ak'obwannannyini bwe kaddirirwa ekigambo ekitandika n'empeerezi, empeerezi y'akagambo ako evaawo ne waddawo akabonero akasukkize.

Ebyokulabirako:

Eddoboosi ly'abantu liyiseemu.
 Omutwe gw'omuntu gwa magumba nnyo.
 Amagulu g'emmeza gasumulukuse.
 Omusajja ow'obusungu tabeereka naye.
 Omwana ow'amagezi asanyusa bazadde be.
 Amazzi ag'okunaaba gayidde.

Ebigambo bino wammanga tebiyawulwa:-

ekyaboffe, ekyabommwe, ekyaboowe, abaaboffe

Wekkaanye

Akagambo akalaga obwannannyini n'akalaga ekifo bwe buliraana tebugattibwa. Buli kamu kawandiikibwa kokka, okuggyako nga bugatiddwa n'akabonero akasukkize.

Ebyokulabirako

ab'e Bukatira
ab'omu nsi
 abaana abo **ba wa**
 eby'omu kizikiza
 bya mu nsiko
 za ku nsozi

h) Ntabaluganda ezikolebwako

Bino biva mu ntabaluganda ezikolebwako (relative objects) era nabyo biwandiikibwa byokka okuggyako era nga biyungiddwa n'akabonero akasukkize.

Ebyokulabirako

Omusajja **gwe** natumye akomyewo.
 Abaana **b'oyagaia** bazze.
 Abalenzi **be** mpise tebalabikako.
 Omucungwa **gwe** nguze muvundu.
 Emiti **gye** nkuwadde gitwale.
 Emitto **gy'aguze** si mirungi.
 Embuzi **gye** ndabye y'ani?
 Enkoko **z'alunda** waziggya wa?
 Enkoko **z'olina** zimpe.

i) Obugambo buno:

bwe mutyo Mukolanga bwe mutyo.
bwe nti Nkola bwe nti.
gye ndi Tunula eno gye ndi.
we tuli Tuula wano we tuli.

j) Obugambo obwo bwe buddirirwa ekigambo ekitandika n'empeerezi tukozesa akasukkize:

bwe oti	bw'oti:	Kola bw'otyo.
bwe atyo	bw'atyo:	Akola bw'atyo.
bwe aljja	bw'alijja:	Bw'alijja ndimulaba.
gye ali	gy'oli:	Kibeere eyo gy'oli.
we ali	w'ali:	Kiteeke awo w'ali.

Entabaluganda ekolebwako (relative object) bwe yeegatta n'ekikolwa ekiyambi (auxiliary verb) ebigambo byombi biwandiikibwa ng'ekigambo ekimu

Ekyokulabirako:

Kyenva	Kyenva nk wagala
kyova	kyova weewuulayo
kyanaava	kyanaavanga akuyamba.
kyetuvudde	kyetuvudde tubakubagiza
kyemwava	kyemwava mutuboola.
kyebanaava	kyebanaava bamuddingana.
kyenje	kyenje nkitegeere kati.
kyajje	kyajje amulabe.

k) Obugambo obuggumiza erinnya (noun)

Obugambo buno bwe buggumiza erinnya kye liba likola era bwe bulaga ekikolwa ekitali kikozi (verb to - be). Nabwo buwandiikibwa nga bwawuddwa okuggyako nga bugatiddwa n'akasukkize.

Ekyokulabirako:

Ekiso kye kisala	Oyo gwe njagala.
Omusota gwe gwatta abantu Ekitabo ekyo si kye kyange	Ataliiwo y'atta embogo Omwana oyo ye wuwo.
kye kiikyo	
kye kimu	
Engo y'etta abantu.	

l) Nnakasigirwa eziggumiza (emphatic pronouns)**Ebigambo ebyo bye bino:-**

nze, gwo, lwo, kwo, gwo, mm we, zo, go ggwe, yo, lyo, two, bo, byo bwo, ye kyo, ffe, gyo, zo, go yo.

Ebigambo ebyo tebigattibwa ku binnaabyo.

Ebyokulabirako:

Nze nkuyita
 Ggwe olisooka okumpandiikira.
 Ye alitutegeeza lw'alijja.
 Be basekedde waggulu.
 Ye akuyita.
 Yo eringa endwadde
 Ffe ayagala Mmwe alabye
 Ggwe amanyi Nze tammanyi

m) **Buli**

Akagambo ako olubeerera kawandiikibwa kokka.

Ebyokulabirako

Buli lunaku alya wano ekyeggulo.
 Asekaaseka buli kiseera.
 Buli ajja amuwa empaaawo y'omwenge.
 Buli akola asaanira empeera.

n) **Bulijjo**

Ekigambo **bulijjo** kiwandiikibwa nga kiri kimu nga wano:

Ajjawano **bulijjo**.
Bulijjo antawaanya.
 Tateera kulabika **bulijjo**.
Bulijjo atutawaanya.

o) **Ka**

Bulijjo akagambo **ka** kawandiikibwa kokka. Naye mu maaso gaako bw'ebaayo ekigambo ekisookako enjatuza **a** evaawo mu kifo kyayo ne wateekebwa akabonero akasukkize.

Ebyokulabirako:

Ka tugende.
K'ayimbe tuwulire
 Ye **k'**asome nga nze mpandiika
K'olabe!
Ka mulabe!
Ka bagende banaalabira eyo.

p) **ga**

Akagambo ako kagattibwa ku kigambo ekikaddirira.

Ebyokulabirako: -

Mmaze **ga**genda,
 Tumaze **ga**lya.
 Tumala **ga**lya
 Tofaayo mala **ga**kola
 Mala **ga**tuukayo.

q) N'obugambo buno nabwo bugattibwa ku bigambo ebibukulemba.

nga, yo, wo, ko na mu.

Ekyokulabirako:

Twaddukanga buli lunaku
 Alinga omulwadde
 Tebaliimu.
 Tuulamu.
 Vvaamu
 Nja kugendayo
 Wamusangayo?
 Vvaawo ntuule
 Yerawo watukule
 Tuulako wano

Tonninyako
Mbalabyeko
Kulikayo.

r) Obugambo obubuza: **Wa ne Ki**

Obugambo obwo bwe buba bugoberedde ekikolwa (verb) oba erinnya (noun) buwandiikibwa bwokka:

Ebyokulabirako:-

Olaga wa?	Nkole ki?	Okola ki?
Asula wa?	Ndage wa?	Nkiggye wa?
Ogula wa emmere?	Ogamba ki?	
Mwagala ki?	muli wa?	muli ludda wa?

Wabula ebigambo bino byo biwandiikibwa ng'ekimu:

kiruwa, biruwa, baluwa, galuwa,
ziruwa, aluwa.

Emboози

Ogamba **kiruwa?**
Biruwa byonna by'oyogerako?
Aluwa yenna abadde wano?
Oyogera ku mateeka **galuwa?**
Mbuzi **ziruwa** zonna ezibuze?

s) **Obwannannyini**

Obugambo obulaga obwannannyini buwandiikibwa bwokka olubeerera.

Mu bwannamunigina
(singular)

we,	wo
gwe,	gwo
ye,	yo
kye,	kyo
lwe,	lwo
lye,	lyo
ke,	ko
kwe,	kwo
twe,	two
bwe,	bwo
gwe,	gwo

Mu bungi
(plural)

be,	bo
gye,	gyo
ze,	zo
bye,	byo
ze,	zo
be,	go
bwe,	bwo
ge,	go

omwana	we, wo
mutwe	gwe, gwo
ennyumba	ye yo
ekitabo	kye kyo

abaana	be, bo
mitwe	gye, gyo
ennyumba	ze, zo
ebitabo	bye, byo

oluggi	lwe, lwo
eggi	lye, lyo
akati	ke, ko
okutu	kwe, kwo
otubisi	twe, two
obugagga	bwo, bwe
oguyu	gwe, gwo
enzigi	ze, zo
amaaso	ge, go
obuti	bwe, bwo
amatu	ge, go

- t) Obugambo buno buwandiikibwa bwokka,
tebugattibwa ku bigambo birala:-

so era nno nti ne ko

Ebyokulabirako:

Yagenda lwa mpaka **so** nga nali mmugaanyi.
Kale **nno** bw' atyo bwe yanziramu
Nalaba biri bityo **ko** nze **nti** wano wafiira muloge.
Nayagala okumusegulira **era** nga ye angoberera.

- u) Akagambo **si** akagaana

- (i) Bwe kakulemba ekikolwa, kagattibwa ku kikolwa
ekyo.

Ebyokulabirako:

Sigenda
Sinnamulaba
Simufuddeeko
Siigendeyo
Siija kudda leero
Saamulabye

- (ii) Bwe kakulemba ebigambo ebirala ebitali bikolwa
kawandiikibwa kokka.

Ebyokulabirako: -

Entegeka ye **si** nnungi.
Kikwabanga **si** mwami.
By'ongamba **si** bituufu.
Gy'ontwala **si** waffe.
Essowaani gy'ompa **si** yange.
Oyo **si** mwannyinaze.
Gundi **si** mulungi mulwadde.
Ekitabo kino **si** kyange.

Okujja nga buyise **si** musango
Nedda **si** bwe guli.
Ebyo **si** bibyo.

- v) Ebigambo bino byonna ebiraga ennganda z' abantu
biwandiikibwa ng'ekigambo ekymaliridde.

Kitange	bakitange
mmange	bammange
ssenga / ssejjange	bassenga / bassenjjange
mwannyinaze	bannyinaze
jajjange	bajajjange
kojja/kojjange	bakojja/bakojjange
baze	babaze
kitammwe	bakitammwe
nnyammwe	bannyammwe
ssengammwe	bassengammwe
mwannyinammwe	bannyinammwe
jajjammwe	bajajjammwe
kojjammwe	bakojjammwe
bammwe	babammwe
kitaffe	bakitaffe
nyaffe	bannyaffe
ssengaffe	bassengaffe
mwannyinaffe	bannyinaffe
Jajjaffe	bajajjaffe
kojjaffe	bakojjaffe
bbaffe	babaffe

Weetegereze:

Ebigambo ebikwata ku njanda n' abantu bano wammanga byo
byawulwa bwe biti:

muganda wange	baganda bange
mukulu wange	bakulu bange
mutabani wange	batabani bange
muwala wange	bawala bange
mwana wange	baana bange

mukazi wange	bakazi bange
muzzukulu wange	bazzukulu bange
muggya wange	baggya bange
mulamu wange	balamu bange
muganda wo	baganda bo
mukulu wo	bakulu bo
mutabani wo	batabani bo
mwana wo	baana bo
mukazi wo	bakazi bo
muzzukulu wo	bazzukulu bo
muggya wo	baggya bo
mulamu wo	balamu bo
muganda we	baganda be
mukulu we	bakulu be
mutabani we	batabani be
mwana we	baana be

muwala we	bawala be
mukazi we	bakazi be
muzzukulu we	bazzukulu be
muggya we	baggya be
muganda waffe	baganda baffe
mukulu waffe	bakulu baffe
mutabani waffe	batabani baffe
mwana waffe	baana baffe
muwala waffe	bawala baffe
mukazi waffe	bakazi baffe
muzzukulu waffe	bazzukulu baffe
muggya waffe	baggya baffe
mulamu waffe	balamu baffe

w) Ebigambo ebiddibwamu emirundi ebiri mu kwogera biwandiikibwa ng'ekigambo ekimu.

Ebyokulabirako:

okukolaakola	okutemaatema
mpolampola	katonotono
ddaladdala	wonnawonna
okubusabuusa	okudaaladaala

x) Ebifa ku byobufuzi n'ebika

Ebyokulabirako

obwakabaka	owessiga
owoomutuba	owakasolya
owoolunyiriri	owaggombolola
owooluggya	owoomuluka
owessaza	owoomutuba
owoolunyiriri	

y) Ennaku za wiiki n'enkulu:

Olwassande
 Olwokusooka/ Olwabbalaza
 Olwokubiri
 Olwokusatu
 Olwokuna
 Olwokutano
 Olwomukaaga
 Olwamazuuokra / Amazuukira
 Amazaalibwa
 Olwappaasika/ Ppaasika
 Olwayidi/Yidi
 Olwameefuga / Aameefuga

z) Amannya g'ebintu agava mu mannya amalala:

Ebyokulabirako:

ekyenkya	ebyenjigiriza
ekyemisana	ebyobulamu
ekyeggulo	ebyobufuzi
ekyekiro	

Amannya g'ebintu agawa mu bikolwa:

ekyokulya	ekyokunywa
ekyokulabirako	ekyokwegezaamu
ekyokulwanyisa	

Nnakongezakikolwa (adverbs) engattike n'obugambo
obulala buntababigambo (conjunction)

olwekyo	sikulwa	sinakindi
sikulwa	lwaki	oboolyawo
kyekiikyo	amangwago	noolwekyo

Ebigambo bino nabyo biwandiikibwa ng'ekigambo ekimu
era n'amannya g'abantu.

nnyamayaalwo	muganzirwazza
gavamukulya	nkokonjeru
nnyonyintono	kalinaabri
basajjamivule	nkunyingi
balisangakabugo	mukubyabyayi
basajjassubi	

Ebigambo bino nabyo biwandiikibwa ng'ekigambo ekimu

ekyaboffe	ekyaboobwe
ekyabommwe	
kyenva	kyetuva
kyemuva	kyebava

Ebigambo ebiyungeyunge.

nazzikuno	nagunogujwa nandiki
kamwakoogera	weewaawo

Ekyokukola 5

Wandiika ebitundu bino mu mpandiika entuufu.

i) Ate gino gyemizizo egyaberanga mubufumbo:
Omukazi bweyamalanga okufumbirwa, omusaja oyo amuwasiza teyalabanga ku nyina mukaziwe, era nabakazi abalala baganda ba nyina mukaziwe era nabakazi abazade ba kitawe wa mukaziwe, abo bona teyalabalangako, nga bona abaita bakodomibe. Ekigambo ekyo kyaberanga kyansonyi nyo okulaba ku musaja eyawasa muwala wabwe. Ate nga omukazi takwata kusezalawe ye kitawe wa 'ba,' newakubade bagandabe abasaja ne basengabe abakazi bwebali abolubu, nga abo bona abaita basezalabe. Era nga nemumpya zabwe taitamu wakati, wabula okuita ku m'abali nga abalamiriza olugya gyerukoma. Nekyo kyaberanga kyansonyi omukazi okuita mulugya lwa kitawe wa 'ba, yesezalawe, oba okumukwatako, oba okumuwa ekintu mu ngalo. Era nga ne kitawe wo musaja tainza kukwata ku mukazi wa mutabaniwe, kubanga amuyita mukamwanawe. Naye nga ye omukazi mu kamwana, nga abo abamuzalira ba abalabako, era nga atuula webali nayogera nabo, naye nga tatulira kumpi dala, wabula nga atula lui lwa nyumba, wakati mudiro newabera ebanga nga lya bigere 6, nabo baita basezalabe nebatula olui lw'ediro, awo nebalyoka bayogera ebigambo ebyokunyuma awatal kusobyana nga mu ngeri ze bigambo ebwemula, nga bayogera nokwegendereza enyo. (Sir Apolo Kagwa: Empisa z'Abaganda).

ii) Ate okutegeera ne ekigambo ekyo buko kyatibwanga nyo, omuntu bweyasobyanga n'akwata ku mukazi wo mwanawe, ate oluvanyuma nalwala obulwadde, nga bajukira ekyo nti: Munafe ono kyavude alwala bwati kubanga yakwata ku muko mukamwanawe. Era ebyobuko obulala sengawo ada ku kitawo, naye omwana gwazala yaitibwa kizibwewo, era oyo tomukwatako, newakubade ye okusula munjuyo, nga bwamusalamu newegata nemukaziwo nga mwali, noyo bweyalwalanga obulwade, nga bagamba nti: Kyavude alwala obulwadde buno, nokukankana kubanga yakwata ku muko kizibwewe, naye kirungi omusowerere

Iwanawona. Awo nga amusowerera ebintu bino:- Enkoko emu enjeru, ne mbuzi emu enjeru, ne mpeke emu enjeru, ne nslda emu. Ebyo bweyamalanga okubireta nebaloyoka bagenda nabyo kutale, nebabifumbira eyo. Naye bafumbanga nnyama njerere tekwaberanga mere era nebabirirayo. (Sir Apolo Kagga: Empisa z'abaganda).

iii) Wandiiika ekitundu kino mu mpandiika y'Oluganda entuufu:

KABULA:Ensi eyo yali ya Kabaka we Nkole, naye bwewaberawo okiganyizibwa mu kisera 1888, nga Abasiramu bayiganya Abakristayo, awo Abakristayo nebaduka mu Buganda nebagend e Nkole, nebasenga Ntale Kabakawayo. Naye Ntale bweyababuza nti: Mwangala kuzimba wa? Nebamudamu nti Twagala Kabula muni eyebisozi, kubanga balowoza nga omwo mwemwali amatoke, naye naMbawa nebazimba omwo; naye oluvanyuma bwebawangula Abasiramu, nebakomawo mu Buganda October 5, 1889. Awo Abakristayo bwebamala okuva mu nsi eyo, Ntale nagiwa Abaganda abalala abanywa enjaye, naye abasaja abo nebagana okuwulira Ntale newakubade Kabaka we Buganda. Awo Abaganda bwebabuza Ntale nti Munafe oyagala ku tulwanyisa, kubanga basajabo abali e Kabula batujoga nyo? Ye neyegana era nagamba Kabaka we Buganda nti Obanga mwagala okubatabala mubatabalenga, awo nebabatabala nga bulijo. Naye oluvanyuma Kabaka Ntale nagamba abaganda nti Obanga mulina abantu bamwe abainza okuzimba mu nsi eyo mubalete bazimbemu mugobemu abo ababateganya bwebatyo, kubanga nange tebampulira. Awo October 1899, nga Daudi Chwa II ye Kabaka, ensi eyo negatibwa ku Buganda, netwalibwamu esaza lya Lumama, era nerisoka okuwebwa Saulo Mayanja owo Lugave. (M.B. Nsimbi: Waggumbulizi)

Ekyokukola 6

Wandiika embooji zino ogende ng'olongoosa buli awali ensobi mu mpandiika y'Oluganda entuufu.

(a) Abana abo balabika bulungi ndowooza balya nyo amapapali

n'enanansi.

- (b) Bakade be bamwagala ennyo kyeyava ayononeka atyo.
- (c) Embizi enene etude mu mazi ekaba.
- (d) Enviri, amanyo, eyindo n'edobozi lye mbyagala nnyo.
- (e) Mpulide evumbe ndowooza bokya nnyama.
- (f) Sooka ompeereze kasoli oluvanyuma ondetere eng'ano.
- (g) Lwaki otambula kadanyuma mukazi wattu!
- (h) Mama ne tata babaniriza bulungi lwe baja.
- (i) Endulu nokulekana biva luda wa nyabo?
- (j) Abana abawala bambadde obuteteyi buno bukokonyo ne bakamala.